# 'Okello genda bakutte ensi efune ku mirembe'

Bya MARGRET ZALWANGO NE BENJAMIN SSEMWANGA

## Abantu bye bagamba



**Ibrahim Kyevuga:** Tusanyukidde ensala y'omulamuzi waakiri tufunye obwenkanya ku baana be yatta era tusaba bonna bakola emisango nga egyo bakolebwe nga Okello.



**Jeremiah Isiko Henry:** Ensala y'omulamuzi nnungi. 'Alissa munne ekitala naye alifa kitala'. Tusaba kkooti ejulirwamu Okello bw'agendayo nayo ewulire mangu nga bwe gubadde wano.



**Jackie Kemigisha:** Katonda yeebale ayanukudde essaala yange. Bulijjo nsaba Okello abeere mulamu atuuke ku lunaku luno bamusalire ng'ategeera bulungi.



**John Kavuma:** Tusaba ensala ya kkooti eteekebwe mu nkola tuve ku bino Pulezidenti bw'ayogera ne bitakolebwa. Tusaba ensala essibwe mu nkola Okello attibwe bw'asaliddwa.

OMULAMUZI Alice Komuhangi Khaukha bwe yabadde asindika Okello ku kalabba yagambye nti tasaana (Okello) kibonerezo ekinyiga ye yekka nga omuntu wabula ne mikwano gye, gye yagaana okwogera nagyo. N'abatemu abalala abasuubira okuyiwa omusaayi gw'abaana nga baagala okugaggawala bamanye nti bajja kuttibwa.

"Oky'okuva mu famire eyaggwaawo tekimatiza kusanjaga baana b'abantu awatali kisa kyonna, n'okwegaana kwe ng'agamba teyabasaddaaka mu bya kirogo, sirabawo nsonga lwaki omuntu ava ewuwe n'agenda asanjaga abaana batalina musango....." omulamuzi bwe yagambye.

Yagasseeko nti, "Nzirikiriziganya n'oludda oluwaabi nti omusango guno gugwa mu misango egitasangika nga abantu bwe bagamba nti tebakirabangako baana bana kuttibwa mu ddaakika embale nga kikoleddwa omuntu omu."

Omulamuzi yayongeddeko nti waliwo ebirung'amya nga bawa ebibonerezo nga bw'owulidde era ku musango gw'obutemu, kuba kusibwa myaka 35 nga omulamuzi asobola okusingawo okutuusa ku ky'okuttibwa kyokka era asobola okukka wansi okusinziira ku nsonga ezireeteddwa maaso ga kkooti.

Yagambye nti oludda oluwaabi lwasabye ebyo bye lusuubira era ebigufuula ogw'amaanyi ne basaba kya kufa nti emisango wagizza mu ttima erya waggulu, ebisago eby'amaanyi nga n'abaana wali obazaala mu kifo ky'okubakuuma ate n'obatta mu ngeri etiisa ennyo, kikolwa kibi ddala.

Era yagambye nti entiisa eno yaleeta okutya okw'amaanyi, mu booluganda n'ekitundu ssaako eggwanga lyonna era ne guba omusango ogutatera kulabwako era n'ekibonerezo kuba kufa era ssinga emisango bwe giti tegikolwako, Uganda ejja kwongera okufiirwa abantu bangi.

Omulamuzi era yeewuunyizza Okello okukola emputtu n'agaana wadde okwetondera abazadde b'abaana be yatta wadde nga kkooti yamuwadde omukisa okubaako ky'ayogera nga tebannamusalira musango.

Ensala ye yatadde essira ku ngeri ettemu lino gye lyakolebwa mu ttima era famire n'eggwanga lyonna likyakungubagira abaana abo abattibwa olw'ebikolwa bya Okello eby'ekigwagwa.



Abaabadde mu kkooti nga babuuza ku taata wa Ssenyange oluvannyuma lw'ensala ya kkooti.

"Nzikiriza nti Okello yalumba abaana abatasobola kwerwanako mu kifo ekirowoozebwa nti tebasobola kwerwanako emisana ttuku awatali kutya kwonna era ssinga teyakwatibwa, yandisse abasukka abana," Komuhangi bwe yagambye.

Yayongeddeko nti Okello talaze kwenenya kwonna kuba waakiri yandyetondedde famire z'abaana eziri mu nnyiike olw'okufiirwa abaana baabwe. Omulamuzi agamba yalaba nnyina w'omu ku baana ng'azirika bwe yali awa obujulizi ekiraga ky'ayitamu.


### OMUWAABI WA GAVUMENTI BWE YAWUMBYEWUMBYE NGA KKOOTI TENNASALA MUSANGO

Jonathan Muwaganya eyakulembeddemu oludda oluwaabi yagambye nti basanyufu olwa kkooti okusingisa Okello emisango ne basiima obudde, obugumiikiriza n'amaanyi ebiragiddwa mu kuguwulira. Yagambye nti abawaabi ba gavumenti bawoza ku lw'abantu n'asiima kkooti n'essiga eddamuzi olw'obwenkanya.

Muwaganya yannyonnyodde kkooti nti mu mateeka, oyo asingisiddwa ogw'obutemu naye attibwa, Muwaganya yagambye nti Uganda tekyagaba kibonerezo kya kufa kwa wabula kiweebwa mu mbeera ezimu wadde kkooti tezirina lukusa lwa bwebange naye balung'amiziba Ssemateeka.

Agamba kkooti esobola okugaba ekibonerezo ky'okufa mu misango egitali gya bulijjo nga ogwa Okello kuba eky'okusibwa obulamu bwe bwonna kiba tekimatiza.

Baasabye kkooti nti obwenkanya mu musango guno bujja



Okello

kulabibwa ssinga ekibonerezo ekikakali kiyisibwa ku Okello. Yayongeddeko nti bakimanyi nti omulamuzi omukulu ye Katonda ng'era ssinga Okello yeenenyezza, okibonerezo tekirina kutabikibwamu kuwatirwa kisa kuba ne Katonda asonyiwa bonna, avumirira ekibi era n'awa ebibonerezo ebikakali eri abonoonyi. Okello mukkiriza mu Kristu era Katonda mu tteeka agamba 'Tottanga' mu ngeri y'emu kiragirwa nti omusaala gw'ekibi kufa (Abaruumi 6:23) .

Muwaganya yasabye kkooti nti oyo yenna ayiwa omusaayi gw'omuntu mu Bayibuli nabo omusaayi gwabwe gunaayisibwanga. Mu musango guno, abaana baalumbibwa mu kimu ku bifo ebisinga okuba ebirungi era eky'emirembe. Okello yakyusa ekifo okuva ku kibadde ekyeyagaza okufuuka akattiro, eky'entiisa eri eggwanga okutwaliza awamu.

Tusaba nti nga kkooti bw'erina olukusa okugaba ekibonerezo ekikakali, ekikole kuba ekyakolebwa kisukkiridde ku ntiisa. Omusango guno tekyagwa bugwi okuguzza wabula yakola pulaani ng'amanyi byonna ebiyinza okuvaamu noolwekyo tasaana kisa kyonna.

Kkooti tusaba etunuulire ekissi n'enkozesa yaakyo. Akambe kye kimu ku bissi akamanyiddwa nga ka mutawaana era akakozesa ku mulala tasaana kisa.

Kkooti tusaba etunuulire oba Okello mu bugenderevu yaviirako okufa kw'abaana. Abagenzi bonna baali wansi w'emyaka esatu abatasobola kwerwanako era kkooti etunuulire oba omusango gwazzibwa waliwo omuntu omulala naddala abaana.

Okello teyafaayo ku kubeerawo kw'abaana abalala n'ababakuuma. Abaana abalala baalaba bannaabwe nga basanjagibwa era kigenda kubabeerako obulamu bwabwe bwonna ssaako abaali babalabirira n'abatuuze b'e Ggaba bonna. Noolwekyo tusaba kkooti etunuulire ensonga zonna awatali kulemesa kibonerezo ekikakali. Muwaganya yalaze engeri ettemu gye lizze lyeyongera n'asaba kkooti okubaako kye zikola okulikomya.

Yagambye nti ekisinze okusiba emisango mu bantu kwe kuwa ebibonerezo eby'ekisaasaazi ku basingiddwa era ssaabawaabi wa Gavumenti yasabye kkooti nti engeri gye bayinza okufunamu mw'ekyo ekyabatumwa kwe kufuna Uganda eteriimu buzzi bwa misango ng'ebibonerezo ebikakali bye byokka ebisobola okuyamba okukituukako.

Muwaganya yanokoddeyo ebigambo by'omulamuzi Mike Chibita bwe yali asiba Kato Kajubi ku by'okutta omwana Kasirye, yagamba nti, "Njagala abaana ba Uganda okugenda okwebaka leero nga basanyufu nga bakimanyi nti omu ku babayigganya aggaliddwa bulungi." Kajubi yatta omwana omu kyokka Okello yasse bana era tukkiriza nti kkooti eno erina okumuwa ekibonerezo ekisembayo olwo abaana baffe babeere mu kweyagala kuba abakijjanya aggyiddwaawo lubeerera.

Yasabye nti ssinga kkooti tekkirizza kuwa kibonerezo kikakali, wakiri ekkirize eyise ekibonerezo ky'okusibwa obulamu bwe bwonna olwo eggwanga lwe linaabeera mu ddembe.

### OKELLO WA MUGASO MU GGWANGA - BALOOYA BE

Sarah Awelo, looya wa Okello yasoose kusaba kkooti omuwawaabirwa aweebwe ekibonerezo ekisaamusaamu kuba gwe mulundi ogusoose okuzza omusango era tasingisibwangako musango gwonna. Alina obulwadde bwa siikoseero, ng'era akyasobola okuyamba eggwanga kuba alina ffaamu e Nwoya gy'asobola okukolera.

Awelo yagambye nti Okello ava mu famire eyamenyeka edda nga n'abaana tewali abuuza munne nga kino kikosa nnyo abaana era ng'eggwanga lirina okulwana okuzzaawo amaka abaana baleme kuyita mu mbeera eziva mu famire ezaamenyeka.

Kyokka Awelo yasaasidde famire z'abaana abattibwa n'eggwanga lyonna n'agamba nti nga balooya, nabo bantu nti bo Gavumenti ebawa obuvunaanyizibwa okuwolereza abawawaabirwa mu misango gya nnaggomola abatalina busobozi bupangisa balooya.